

ENNAMULA ZOBUFUMBO

أحكام النكاح - أوغندي



جمعية الدعوة والإرشاد ونوعية الحالات في الزفاف
هاتف، 966 164234466 – هاكس: 164234477

ENNAMULA ZOBUFUMBO

أحكام النكاح

Obukwakkulizo obukwata ku bufumbo

1. *Okusiimagana kw'abafumbo ababiri;*

Tekikkirizibwa era obufumbo tebutuuka singa omusajja akuze mu busiraamu era nga ategeera obulungi, akakibwa okuwasa oyo gwatasiimye. Nabwekyito omukyala akuze era nga ategeera obulungi takakibwa kufumbirwa muntu gw'atasiimye era gwatayagala.

Obusiraamu bwaziyiza okufumbiza omukyala omuntu gwabeera tasiimye kufumbirwa, k'abeere nga amukaka ye kitaawe, era takkirizibwa kumukaka.

2. *Waliyyu:* Okukkiriza oba okubeerawo kwoyo amulinako obuyinza, kuba okuwooowa tekutuuka ewatali kukkiriza kw'oyo alina obuyinza ku mukyala, nga bwagamba omubaka mu hadith eyawandiikibwa Tirimuthi nti.

عن أبي بُرَدَةَ عَنْ أَبِي مُوسَىٰ أَنَّ النَّبِيَّ -صَلَّى اللَّهُ عَلَيْهِ وَسَلَّمَ- قَالَ « لَا نِكَاحٌ إِلَّا يُؤْلِئِ ». (رواه الإمام الترمذى).

Agamba swalla Llaahu alaihi wasallama nti: "*Tewali kuwoowa kukkirizibwa okujjako nga oyo alina obuyinza kumukyala akkiriza era amugabye*"

Era n'omukyala yennyini singa yefumbiza, okuwoowebwakwe kuba kufu k'abeera nga omukyala yenyini yeyeebereddewo mukuwowebwa oba ataddewo amukiikirira.

Era tewali atali musilamu akkirizibwa kugaba musilamu era n'olwekyo omukulembeze y'agaba oyo atalina amugaba.

N'agaba ateekwa okubeera nga mukulu era ategeera era atya Allah ngava mu lulyo lwa mukyala gamba taatawe oba oyo gweyalaamira, oluvanyuma jjajjawe mutaata oba okudda waggulu bwatyo ow'okumpi n'owokumpi. Oba mutabaniwe oba abaana bamutabaniwe nokukka wansi, oluvanyuma mugandawe mutaata nemaama, oluvanyuma bwatabawo tudda eri mugandawe mutaata, bw'atabaabawo tugenda eri abaana ba mugandawe mutaata ne maama, era bwewatabaabawo tugenda eri abaana bamugandawe mu taata, naye bwe tubulwayo amugaba tugenda eri abo ababaddirila n'ababaddirira amakulu mubazzukulu, bwewaba nayo teri, olwo tugenda eri taata omuto amakulu muganda wa taatawe mutaata ne maama, bwewatabaayo tugenda eri muganda wa kitaawe mutaata, era bwewaba tewali tugenda eri abaana

baabwe nababaddirira, era bwetubulwayo tugenda eri taata omuto owa taata w'omuwala, bwaba naye taliiwo tugenda eri abaana ba taata omuto eri taata amakulu abaana bajjajja bano bagatta taata yekka. Era ono agaba ateekwa kusooka kubuuza omukyala gw'agaba n'asooka akkiriza okumugaba.

Era n'ekyagendererwa kunsonga yokubeerawo *Waliyyu* (agaba omukyala) kwali kuggalawo omulyango gwobwenzi obutaguggulawo, kuba ye omwenzi tafuna buzito kugamba mukyala nti nefumbiza wekka njenda kkuwa kintu gundi oluvanyuma nebassaawo abajulizi babiri okuva mumikwanogye oba abalala.

3. Abajulizi ababiri abajulira obufumbo

Abajulizi bano bayina okubeerawo mu kuwoowebwa babiri oba okusingawo nga bava mubasajja abenkanya ate nga basiraamu, songa era bayina okubeera abantu abesigwa era abeewala amazambi amanene, okugeza nga obwenzi okunywa omwenge nebirala.

N'enjeri y'okuwoowa ebeerawo mu ngeri ezenjawulo okugeza nga bwayinza okusaba awasa oba oyo amukiikiridde n'agamba nti nsaba okufumbiza muwalawo gundi oba oyo gwebaakulaamira ***Nagundi***. Bwatyo ne (waliyyu) addamu nti nzinkirizza era nkufumbizza muwala

wange gundi oba oyo gwe bannaamira *Nagundi*. Bw'atyo n'addamu awasa nti nzikirizza okumuwasa muwalawo nagundi. Era kikkirizibwa awasa okusigira yenna gw'aba ayagadde.

4. Obwetteeka bw'okuwaayo Amahare.

Ekyalaalikibwa ekya mahare kiba kirungi okubeera nga matono simangi era buli gyegakoma okubeera amotono nokwanguyiriza awasa gyebukoma obufumbo okubeera obulungi era obulimu emikisa. Era eno eyitibwa saddaaka, songa era kiri sunna okugoogera n'egategeerekeka nga bawoowa nokuganguyiriza okugamuwa nannyinigo oyo gwebawoowa songa era kikkirizibwa okugafuula egebbanja oba okusasulako ekitundu ate ekitundu nekiba kya bbanja nekisasulwa oluvanyuma.

Singa omusajja awa mukyalawe (Talaka) amuta nga abadde tanagenda naye mu nsonga zabwe ezabafumbo amakulu tanegatta naye nebaawukana, omukyala ono atwalako ekitundu kumahare. Era omusajja bw'afa yadde nga tannaba kwegatta naye mumukolo gwobufumbo, omukyala ono abeera akakaseko okusika mu by'obugagga by'omusajja ono kasita abeera okuwoowa kwabadde kuwedde era n'amahare nago gonna agatwala.

a) Ebigoberera okuwoowa.

1. **Okulabirira omukyala;** Kyatteeka eri omwami abeera awasizza omukyala ono okubeera nga amulabirira mubulungi gamba nga okumuliisa nokunywa, okumwambaza, okumuwa ewokusula, songa singa omwami akodowala natamuwa ebyo byayina kumuwa omwami ono afuna omusango ewa Allah era omukyala ono abeera waddembe okukwata mu maali y'omusajja ekyo ekimumala wadde nga omwami tamanyi oba okwewola nga yeewola mulinya ly'omusajja, era omusajja abeera ateekwa okusasula. (Naye nga kino kibeerawo nga omusajja sente ayina naye tayagala bwagazi kumuwa) nemukubaawo kw'omukolo gwembaga, gwegwo gwakola omusajja nagula ebyokulya nokunywa munnaku nga obufumbo buyimirirawo nebayita abantu nebalya nebanya. Era guno omukolo gwe mbaga guli sunna eyatulagirwa okugikola kuba nabbi swalla Llaahu alaihi wasallama yagikola era naffe naatulagira tugikole.

2. **Okusika;** Olunaku okuwoowa lwe kubaawo, omusajja nawoowa omukyala okuwoowa okutuufu, olwo okusikiragana nakwo kuba kuyimiriddewo wakati w'abafumbo ababiri. Nga bw'agamba Allah mu Suratu Nisaai aya 12 nti:

"Era mulina mmwe abasajja kitundu mw'ebyo byebaba balese bakyala bamwe... (okutuuka ku

kigamba nti) oluvanyuma lw'okujjako ekyabo beyalaamira okufuna mu mmaaliye oba ebbanja.

Songa okusika kuno kubeerawo mungeri yonna wadde omusajja abadde yegasseko nemukyalawe mumukolo gw'obufumbo oba nedda, yeyawuddeko naye oba nedda, byonna tewali njawulo basikiragana.

b) SUNNAN Z'OBUFUMBO NEMPISA ZABWO:

1. Kiri sunna okulanga nokwolesa obufumbo era nga bwekiriri sunna okusabira abafumbiriganiddwa n'ogamba kawasa oba omukyala gwe bawasizza nti "*baaraka Llah laka wa baaraka alaika wajama-a bayina kuma fi khairi*".

2. Era kiri sunna bwemuba mugenda okwegatta mu mukolo gwamwe ogwobufumbo okusoma edduwa egamba nti: "*bismillah allahuma janibuna shayitwaan wajannibi shayitwaan maa razaqitana*"

Amakulu nti: Ayi Allah waffe twesambye shayitwan era wesambye shayitwan ekyo ky'onooba otugabidde mu mukolo gwamwe guno gwetugendamu.

3. Kitamwa eri abafumbo ababiri okubotola ebyama oba okusaasanya ebyo ebibeera wakati wammwe mumukolo gwamwe ogw'abafumbo.

- 4.** Kiri haraamu eri omusajja okwegatta ne mukyalawe mumukolo gwo bufumbo nga ali mu heizwi oba nifasi k'abeere nga akaze takyavaamu musaayi naye nga tannanaaba.
- 5.** Kiri haraamu eri omusajja okugenda eri mukyalawe mukifo ekyemabega ekitali ekyo omuyita omwaana. Singa kino akikola abeera yebagadde ezambi ddene mu mazambi amanene, ago obusiraamu gebwaziyyiza.
- 6.** Kikakata ku musajja okuwa mukyalawe omugabogwe mubujjuvu nga bali mumukolo ogwo ogwobufumbo. Era nga bwezikakata kuye obutamwewala kumuyiwamu mazzi gakyama olwokutya nti ajja kufuna olubuto okujjako nga omukyala amaze kukkiriza era nga kikolebwa lwanakolantya.

c) EBITENDO BY'OMUKYALA

Obufumbo ekigendererwamu kwe kufuna okwewayagala wamu n'esanyu wakati w'abafumbo nokuzimba family enongoofu n'abantu abalungi, singa butendebwa nobulungi obujjudde empisa n'eddini, olwonno babeera bannyinibwo bafunye obulungi obungi obutatendwa. era bwebujjuvu bwokwesiima kulwobusobozi Allah bw'aba abawadde. Wabula nga ekikulu ekisinga byonna y'eddini nga nabbi swalla Llaahu alaihi wasallama bweyatulaamira okugitunuulira ennyo nga tuwasa. Songa n'omukyala ateekwa okwegendereza okulaba nga afuna omusajja omulongofu era atya Allah.

ABAAZIYIZIBWA OKUWASIBWA MU BAKYALA

Abaaziyizibwa okuwasibwa mubakyala bateekululwamu emiteeko ebiri: Abaaziyizibwa olubeerera, n'abaaziyizibwa ekiseera.

Abaaziyizibwa olubeerera nabo balimu emiteeko esatu

d) Abaaziyizibwa olw'oluganda, bali musanvu nga bwekiri mu Qur'an Suratu Nisaai aya 23 Agamba Allah nti: "Muziyizziddwako okuwasa ba maama bammwe, nebawala bammwe, ne banyinammwe, ne basengammwe, neba maama bamwe abato, ne bawala ba baganda bammwe, ne bawala ba bannyinammwe"

Abaaziyizibwa bano;

- Bamaama, muyingiramu neba jjajja, kababeere kuludda lwa maama oba kuludda lwa taata.
- Era nebawalabaabwe muyingiramu nebawala ba bawalabwe (bazzukulu be) n'okukka wansi.
- Ate muubannyina muyingiramu banyina mutaata yekka nebanyina mu maama yekka.
- Mubasenga muyingiramu basenga bomusajja nebasenga bakitaawe era nebasenga baba jjajjaabe era nebasenga bamaamawe nebasenga bajjajjaawe omukazi.
- Bamaamabe abato muyingiramu bamaama abato abomusajja neba maama abato abaataatawe nebamaama abato abajjajjaawe nebamaama abato aba maamawe era nebamaama abato abajjajjaawe omukazi nebawalabe.
- Bawala bamugandawe muyingiramu bawala bamugandawe mutaata ne maama wamu nabamugandawe mumaama yekka nabamugandawe mutaata yekka wamu nebawala babawala babwe nebawala babawala babwe okukka wansi.
- bawala bamwanyina muyingiramu bawala bamwanyina mutaata ne maama nebawala bamwanyina mutaata yekka nebawala bamwanyina mumaama yekka wamu nebawala

b'abaana babwe abobulenzi nebwala babaana
babwe abobuwala n'okukka wansi.

e) Abaaziyizibwa Olw'okuyonsebwa

Abaziyizibwa bano olw'okuyonsebwa nabo bagoberera abo abaaziyizibwa olw'oluganda nga bwe kiri mu hadith eyawandiikibwa Imaam Bukhar ne Musilimu egamba nti:

قالَ رَسُولُ اللَّهِ -صَلَّى اللَّهُ عَلَيْهِ وَسَلَّمَ-: « يَحْكُمُ مِنَ الرَّضَاعَةِ مَا يَحْكُمُ مِنَ النَّسَبِ ». (رواه البخاري).

Agamba omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama nti: "*Bukakatawo obwa haraamu mukuyonsebwa nga bwe bukakatawo obwaharaamu mu Luganda*".

Naye nga obwaharaamu buno obwokuyonsebwa buyina obukwakkulizo buno obuyina okumala okutuukirizibwa:

1. Okubeera nga ennyonsa omukyala z'ayonsezza omwana ziwerera ddala ttaano. Singa amuyonsa enyonsa ezitawera ttaano, oyo tabeera maamawe mukuyonka.

2. Okuyonka kuno kutekwa okubelawo nga tannava ku mabeere.

Singa obukwakkulizo buno butuukirizibwa mukuyonsa olwonno omwana oyo abeera afuuse mwana eri maama oyo amuyonsezza era n'abaana bomukyala oyo baba bafuuse baganda bamwana oyo ayonseddwa, kababeere abo beyazaala oluberyeberye nga tanayonsa mwana oyo, oba

b'azadde oluvanyuma lw'okumuyonsa. Era kababeere b'oyo omukyala maama yenyini ayonsezza oba maama omulala.

So nga wano kisaana kitegeerekeke nti bbo abejjanda z'omwana ayonseddwa wadde ezadderye bo tebayina kakwate kubwoluganda luno oluguddewo nga luyita mu kuyonsebwa era teluyina kintu kyonna kyelukosa mubo, amakulu tebaluyingiramu.

f) Okuziyizibwa Olw'obuko

1. Bakyala ba bataata ne bakyala ba bajjajja; Wonna omusajja w'awoowebwa n'omukyala, kiba kifuuse haraamu eri abaanabe okuwasa omukyala oyo wadde nga taata amutadde era aba afuuse haraamu okuwowebwa nebazuukulube mubaanabe abalenzi nebazuukulube mubaanabe abobuwala nokukka wansi. K'abeere nga omwami ono yeegasse naye mumukolo gw'obufumbo oba teyegasseko naye.

2. Bakamwana, wonna omusajja wawoowera omukyala abeera omukyala ono afuuse haraamu okuwasibwa taata womusajja oyo, n'eri bajjajja bomusajja ono, nokugenda waggulu. K'abeere nga jjajja kuludda lwa taata oba jjajja kuludda lwa maama. Kasita amuwoowa baba tebakyakkirizibwa

kumuwasa, nebw'abeera nga abadde tannaba kwegatta naye mumukolo gwabwe ogwobufumbo.

3. Omukyala ne bajjajjabe wonna omusajja wawoowela omukyala, maama womukyala ono abeera afuuse haraamu eri omusajja ono era nga nebajjajja b'omukyala ono nabo baba tebamukkirizibwa kubawasa kasita amuwoowa, K'abeere nga teyegasse naye numukolo gwabwe ogwobufumbo. K'abeere jjajjawe kuludda lwa maama oba jjajjaaawe kuluda lwa taata.

4. Bawala b'omukyala nebwala babawalabe wamu nebwala babaanabe nokukka wansi, wonna omusajja wawoowera omukyala neyegatta naye mumukolo gwabwe ogwobufumbo, bawala bomukyala nebwala babaanabe abobulenzi nebwala b'abaanabe abobuwala nokukka wansi bafuuse haraamu eri omusajja ono k'abeere nga yabazaala tanamufumbirwa oba yabazaala amaze omufumbirwa nebaawukana nabazaala ewalala. Wabula singa omusajja ono awooye omukyala ono nebaawukana nga tanegatta namukyala ono mumukolo gwabwe ogw'obufumbo abaana abo babeera tebamuzira kubawasa.

g) ABAAZIYIZIBWA EKISEERA EKIGERE

Okuziyizibwa kuno okwekiseera nakwo kulimu emiteeko:

1. Okuwasa muganda wa mukyalawo ne sengawe wamu ne maamawe omuto. Bano tokkirizibwa kubagatta kumukyalawo okujjako nga waguddewo okwawukana n'omukyala oyo olwemu ku nsonga gamba nga okwawukana naye olwokufa oba okumuwa talaka era namala nokutuula Idda negwako.
2. Omukyala ali mu Idda yomuntu omulala; Singa omukyala abeera mu Idda yomusajja omulala oyo takkirizibwa kuwasibwa okutuusa nga Idda gyalimu emaze kuggwako era tokkirizibwa wadde okumwogereza bw'aba akyali mu Idda okutuusa nga eweddeko.
3. Omukyala ali mu mikolo gya Hijja oba Umurah era nomukyala oyo takkirizibwa kuwoowebwa okutuusa lw'agiviiramu ddala mubujjuvu.

h) OKUTA OMUKYALA

Okuta omukyala kuno kutamwa mu Busiraamu, naye olwokubanga okuta omukyala kusijjanibwa oluusi nga tekwebeereka, kuteekwa buteekwa okuyimirirawo olwensonga munsonga, gamba singa twesanga nga omukyala anaanakuwazibwa okubeerakwe mu bufumbo oba omwami anaanakuwazibwa okubeelakwe nomukyala oyo oba ensonga endala enzito, bwatyo Allah

kulwokusaasirakwe kyeyava akkiriza abaddube singa wabaawo ekizzeewo nekyetagisa abantu baawukane babeere nga baawukana. Omusajja bw'abeera ata omukyala, kimukakatako okutunuulira ensonga zino wammanga.

1. Tateekwa kumuwa talaka nga ali mu (heizwi) munsonga zabwe ezabuli mwezi, era singa kino akikola abeela ajeemedde Allah nomubaka swalla Llaahu alaihi wasallama era aba yebagadde ezambi. N'olwekyo kyaba ayina okukola mumbeera eyo, kwe kusooka namuddira n'abeeranaye okutuusa Iw'amala okutukula n'olvanyuma nalyoka amuta bwaba ayagadde.

Songa n'ekisinga obulungi kwekusooka era namuleka naddamu nayingira mu heizwi omulundi ogwokubiri, olwo bw'addamu natukula, bwayagala olwo namuta ate bwayagala nebagenda mumaaso n'obufumbo bwabwe.

2. Tateekwa kumuteera mu lutukula lwagendeddemu naye mumukolo gwabwe ogwobufumbo. Amakulu lweyegattiddemu naye okujjako nga kimaze okkakasibwa nti ayina olubuto. N'olwekyo omusajja bwayagala okuta omukyala mulutukula lwamaze okwegattiram naye, ateequa kusooka namuleka n'amala okugenda mu (heizwi) munakuze ezabuli mwezi oluvanyuma bwavaamu

kakibeere nga kitutte ekiseera kinene, ayina kumala kutukula oluvanyuma bwayagala namuta naye nga tazzemu kwegatta naye. Okujjako nga bwetwagambye nti singa kikakasibwa nti afunye olubuto, awo taba namutawaana asobola okumuta.

EBITEEKWA OKUBEERAWO NGA OMUKYALA ATEEREDWA

Oluvanyuma Iw'okubeera nga okuta omukyala kubeera kwawukana namukyala, kubeera okwawukana kuno nga kulina ebintu ebiteekwa okubeerawo bwekeutyo nekuba nennamula nyingi ezenjawulo nga nemuzo.

1. Omukyala ono ateekwa okutuula Idda ebbanga lyamala nga omusajja amuwasizza n'amala nokwegatta naye oba neyeyawulanaye. Wabula singa amuwa talaka nga abadde tannaba kwegatta naye era taneyawulako naye, olwo omusajja abeera tayina Idda mukyala ono gyalina kumutuulira.

Ne Idda eno eya Talaka, yemukyala okutuula emyezi esatu amakulu kweketukula nga ava mu heizwi entukula satu singa abeela omukyala nga akyagenda mu nnaku zabakyala ezabuli mwezi. Ate singa abeera takyagenda musonga munaku zabwe ezabuli mwezi oyo amala emyezi esatu.

Ate oyo omukyala ali olubuto oyo Idda eyiye ateekwa kumala kuzaala, nga n'ekyagendererwa mu Idda eno kwekuwa omusajja ono abadde nanyini

mukyala ekiseera yeerowooze oba olyawo n'asalawo okuddira mukyalawe, awamu nokukasa nti omukyala ono tayina lubutolwe lwagenze nalwo oba ayina.

(Era kitegeerekeke nti omukyala ono ali mu Idda, omusajja oyo abeera tayina kwegatta naye mumukolo gw'obufumbo kuba ekyo bwakikola kiba kiteegeza nti amuddidde. N'omukyala ali mu Idda takirizibwa kufumbirwa wadde okumwogereza nga bwetwakiraba waggulu eyo).

2. Omukyala ono takkirizibwa kuddinjana namusajja oyo bwabeera nga yamuta olubereberye emirundi ebiri. Kyetutegeeza singa omusajja yata omukyala oluvanyuma n'amuddira nga akyali mu Idda oba nga yaddamu namuwoowa nga Idda eweddeko ate era naddamu namuta omulundi ogwokubiri awo era namuddira nga akyali mu Idda, oba era nga Idda yali eweddeko naddamu namuwoowa omulundi ogwokubiri, ezo Idda ebbiri omusajja z'afuga zokka.

Wabula singa addamu namuta omulundi ogwokusatu olwo abeera takkirizibwa kuddinjana naye okutuusa nga amaze kufumbirwa omusajja omulala n'amuwoowa okuwoowa okutuufu era neyegatta naye mumukolo gw'obufumbo.

Ono (omwami owokubiri) singa naye amuta (nga okuwoowebwa kuno telubadde lukwe Iwamusajja eyasooka asobola okuddira omukyala ono), omwami owookubiri bwamuta nga yeeyagalidde (si kukakibwa), olwono eyasooka akkirizibwa okuddamu n'amuwoowa era n'amuwa n'amahare amapya.

Nga ekyagendererwa mukino Allah okuziyiza omusajja atadde omukyala emirundi esatu okuddingana naye, kwali kusaasira kwa Allah eri banyinaffe abakyala abasajja baleke kubalyazamanya.

**i) OMUKYALA OKWEYAMBULULA BBA
(OMWAMI WE)**

Okweyambulula kuno kwekusaba kw'omukyala kwasaba omusajja baawukane olwokubawo ensonga ekkirizibwa mu busiraamu gamba nga okubeera nga amutamidwa takyamwagala nabeera nga omukyala awaayo ebyobugagga nga sente nebirala asobole okwetakkuluza nabyo omusajja ono baawukane.

Songa singa omusajja y'atamiddwa omukyala nga y'ayagala baawukane nomukyala ono, olwo omusajja takkirizibwa kubaako kyamukyala ky'atwala olwokwenunula kuba omusajja y'abeera atamiddwa. Wano, omusajja ayina kuguminkiriza n'abeera n'omukyala oba n'amuwa talaka.

Era omukyala tasana kusaba musajja kumweyambulula okujjako nga waliwo ensonga ekkirizibwa mu busiraamu gamba okunakuwazibwa nga awulila tamwagala.

(era tukitegeere nti n'okubulawo kwomukwano kuno nakwo kutunulwamu Iwaki kuguddewo kuba waliwo ensonga ezitakkirizibwa gamba nga omukyala okukola obwenzi ebweru, omukwano guno negukendeera eri bba, oluusi nokuggwerawo ddala, oluusi omukyala okwekwasa ensonga ezitakkirizibwa nga omusajja okuwasa namugattako omukyala omulala)

Nolwekyo omukyala ono asaba okweyambulula omusajja. Songa era mu kumweyambulula, kitamwa omusajja okusaba ekigero ekisukka ku mahare geyawaayo nga amuwasa.

OKUSALAWO MUKUGENDA MUMAASO KWOBUFUMBO OBA OKUBUKUTULAWO

Kukakatawo okusalawo okugenda mumaaso kw'obufumbo oba okubukutulawo okuva kunjuuyi zombi ezabafumbo ababiri (omwami n'omukyala) olwokugwawo kwensonga mu nsonga ekkirizibwa mubusilamu.

Singa omusajja afuna mu mukyalawe oba omukyala okufuna mu bba obulwadde oba akamogo akobutonde akataabeeylekera nga bafumbiriganwa, olwonno nabeera omu kubo nga waddembe oluvanyuma lwokkalaba okuba nga asalawo obufumbo bugende mumaso oba bukutukewo (bukome awo):

1. Singa omu kubafumbo ababiri asangibwa nga mugwi waddalu oba ayina obulwadde obutamusobozesa kutuukiriza bivunanwa bya munne mufumbo mubujjuvu, olwo omu kubabiri ayina eddembe okusalawo obufumbo busazibwemu bwe babeera nga babadde tebanneegatta mu

nsonga z'obufumbo, olwo omusajja addizibwa ebyo byeyawaddeyo mukuwasa omukyala ono.

2. Okulemererwa kw'omusajja okusasula amahare mu buliwo omukyala abeera wa ddembe okusalawo obufumbo busazibwemu ebbanga ly'amala nga tannaba kwegattako naye.

3. Okulemererwa okulabirira omukyala, omukya wano amulindamuuko ekiseera ekiwanvu kyonna ky'asobola, bwebigaaniraddala aba alina eddembe okusazaamu obufumbo nga ayitira mu kkooti y'obusiraamu

4. Singa omusajja abula ku mukyala n'atategeerekeka gy'alaze nga talekedde mukyala buyambi bwonna era nga talina gw'amusigidde okubeera nga amuwa obuyambi mu by'okukozesa, nga okulya, okunywa n'ebirala ne watabaawo muntu yenna amuyamba mu kumulabirira ate nga naye talina busobozi bwa kwerabirira, mu mbeera eno omukyala abeera waddembe okusazaamu obufumbo obwo nga atutte ensonga eri omukulembeze w'obusiraamu.

j) OKUFUMBIRIGANWA N'ATALI MUSIRAAMU

Kiziyizibwa era tekikkirizibwa eri omusiraamu okuwasa omukyala atali musiraamu atenga si Ahalil kitabu. Era n'omukyala omusiraamu takkirizibwa kufumbirwa musajja atali musiraamu k'abeere Ahalil kitabu yye naye tamukkirizibwa kumufumbirwa. Songa era tekikkirizibwa eri omukyala singa baba bombi ne bba Sibasiraam omukyala bwasooka omusajja okusiramuka takkiriza musajja ono kwegatta naye mumukolo gw'obufumbo okujjako nga amaze naye okusiramuka.

Era nga kuno wammanga kwekulamula okukwata kubufumbo bwabatali basiraamu nga kweyawulidde kubo:

1. Singa basiramuka abafumbo ababiri, basigala n'obufumbo bwabwe obwo bwebaakolera mu Kanisa oba Keleziya okujjako nga waliwo ekibagaana okufumbiriganwa okusinziira kukulamula kw'obusiraamu.

Gamba nga okubeera nga baziranjana okufumbirigana okusinziira ku namula y'obusilamu (sharia).

Kubanga nga bwetwalaba emabega waliwo abantu abataturkirkirizibwa kufumbiriganwa nabo, mumbeera eyo baba bayina okwawukana.

- 2.** Singa omusajja nga ali mu ba Ahalil kitaabu, abo basigala n'obufumbo bwabwe obwo.
 - 3.** Singa asiramuka omu ku bafumbo ababiri abatali mu ba Ahalil kitaabu, bwebaba nga babadde tebannaba kwegatta munsonga zabwe ezobufumbo olwo obwo obufumbo buba bufudde.
 - 4.** Singa asilamuka omukyala w'atali musilamu oba Ahalil kitaabu oba omulala olubeleberye nga tannaba kwegatta nabba olwo obufumbo buba bufudde nga bwetugambye kubanga omukyala omusiraamu takkirizibwa kufumbirwa atali musilamu
 - 5.** Singa asilamuka omukyala w'atali musilamu naye nga bamaze okwegatta naye mumukolo gwobufumbo awo obufumbo webukoma omukyala ono n'atuula Idda era Idda eno olugwako noobufumbo buba bukutuseewo, singa omusajja ono tasiramuse, awo omukyala abeera waddembe okufumbirwa omusajja omulala omusiraamu. Songa singa asalawo okumulindako okutuusa lw'anasisramuka tewaba buzibu.
Naye nga ekiseera ekyo nga amulinda asiramuke, abeera omusajja ono tavunanwa kumukyala oyo (nga okumulabirira) era nomukyala tayina kyavunanwa kumusajja oyo kuba mukiseera ekyo tebaba bafumbo.
- Singa omusajja amala nasiramuka, olwo oyo omukyala abeera mukaziwe awatali kuddamu

kuwoowebwa buto, k'abeere nga omukyala alindidde myaka. Era okulamula kwekumu singa asiramuka omwami womukyala atali Ahalil kitabu.

6. Singa omukyala akyuka nava mu busilamu (nalutadda) nga abadde tanegatta nabba mumukolo gwabafumbo, olwo obufumbo buba bukutuseewo era omukyala ono tafuna namaharege. Naye bwaba omusajja y'akyuse nava mubusiramu era bukutukawo obufumbo wabula asasula ekitundu ku mahare. Songa ate singa addamu n'asiramuka oyo abadde akyuse kubombi, olwo bagenda mumaaso n'obufumbo bwabwe tebaddamu kuwoowebwa ebbanga lyebamala nga tewali talaka yagwawo wakatiwabwe.

OBUZIBU OBULI ERA OBUGOBERERA MUKUWASA OMUKYALA OKUVA MUBAKYALA BA AHALI KITAABU

Mu kiseera Allah weyakiririza abasiraamu okuwasa, kyali ekigendererwa kulongosa mpisa nokutukuza abantu baveemu ebikolwa ebyobuseegu, nokulongoosa obwerere bwabwe, nokuteekawo enkola ennungi eri obusiraamu nabasiraamu, nokusitula ummah y'obusiraamu eyo ekkiriza nekakasa nti tewali asinzibwa mumazima okujjako

Allah era ne nabbi Muhamadi swalla Llaahu alaihi wasallama mubaka wa allah. Songa embeera eyo n'obulungi bwayo tesobola kutuukirira okujjako nga waliwo obufumbo nga n'awasibwa yemukyala omulongoofu oyo ayina eddini nekitiibwa wamu nempisa ennungi.

Songa era okuwasa kwomusiraamu nga awasa muba Ahalil kitaaba ebikivaamu twabikunyanyaiza mubino wammanga:

1. *Obuzibu munda mufamile:* Munda mu famile entono singa omusajja abeera munywewu mu busajjabwe okuwasa okwo kugasa kinene eri omukyala era nga nendowooza esinga obunene tumulowooleza okubeera nga amatira n'obulungi bw'obusiraamu era nabuyingira. Songa ate bwekitaba ekyo, embeera ejjakuba kyenyume ky'ekyo osijane nga omukyala akola ebyo byonna yye byalwooza era byategeera nti eddiniye ebimukkiriza okubikola, gamba nga okunywa omwenge, okulya enyama y'embizzi, enjaga nebilala.

Mumbeera eyo olw'o famile yobusiraamu ebeera egenda kutaagukataaguka era ekuze abaana nga ebakuliza kubwonoonefu, songa embeera esobola okusingawo awo singa esanga omukyala eyenywelezza eyekutte ennyo kuddiniye era

omuwakanyi ennyo, oyo ajjakutuuka nokutwala abaana abo mukanisa bamanyiire era bakulile mu kulaba n'okugoberera ensinza y'abakulisitaayo. Songa buli muntu akulira ku kintu, akikaddiyirako.

Obuzibu obudda eri abantu bona okutwalira ewamu, singa abakyala ba Ahalil kitaabu bayitirira mu Ummah y'obusiraamu, nsonga yakabenje nnyo kubanga egenda kufuuka ensonga yokubalukawo olutalo olwendowooza, munda mu Ummah yobusiraamu elwanyise obusilamu, nga okukkiriza abantu abo okweyisa munneyisa enkyamu abakulisitaayo gyebeeyisaamu nga bweri enkola yabwe mubintu ebisinga obungi gamba nga okutuula ekintabuli wakati wabasajja abakyala muntuula zaabwe, okuyita obweleere nebilala ebikolebwa abakulisitaayo mwebyo ebikontana nenjigiriza yobusiraamu.

EBIRIMU

ENNAMULA ZOBUFUMBO.....	3
Ebigoberera okuwoowa	7
SUNNAN Z'OBUFUMBO NEMPISA ZABWO:	8
EBITENDO BY'OMUKYALA.....	10
Abaaziyizibwa Olw'okuyonsebwa	12
Okuziyizibwa Olw'obuko	13
ABAAZIYIZIBWA EKISEERA EKIGERE	14
OKUTA OMUKYALA	15
OMUKYALA OKWEYAMBULULA BBA (OMWAMI WE) 20	
OKUFUMBIRIGANWA N'ATALI MUSIRAAMU	23